

19th August 2018.

TUNYWEEZE ESSUUBI LYE TWATULA NGA
TETUSAGAASAGANA.

Abaebbulaniya 10:19-39.

Oluvannyuma lw'okutegeezebwa mu bukalatirivu emisingi gy'okukkiriza kwe baalina okuba nakwo mu Mukama Katonda Kitaffe okuyita mu Yesu Kristo Mukama waffe, Kabona waffe Asinga obukulu era eyali ekiweebwaayo ekisukkulumu era eky'enkomeredde ky'omutango gw'ekibi. Omuwandiisi atandika okubuulilira Abaebbulaniya na ffenna abasomi b'ebbaluwa ebitugwaanidde okussa mu nkola olw'okumanyisibwa n'okutegeezebwa ebyo byonna.